Bya JOANITA NANGONZI ne PONSIANO NSIMBI

# Abayizi bawangudde empaka z'ennyimba z'Abajulizi

EBIFAANANYI BYA PONSIANO NSIMBI



Omwana wa Rwenzori Diocese Fellowship kkwaya ng'azina



Akulira bakitunzi ba Vision Group efulumya ne Bukedde , Lorraine Tukahirwa ng'akwasa aba Katwe Martyrs' ceeke olw'okuwangula mu Bakristaayo. Owookubiri ku ddyo y'amyuka akulira Vision Group, Gervase Ndyanabo.

ESSANYU libuuttikidde ekitebe kya Vision Group nga balangirira kkwaaya y'Abakristaayo eya Katwe Martyrs awamu n'ey'Abakatoliki eya Our Lady Seat of Wisdom Kasawo nga abawanguzi b'ennyimba z'abajulizi.

Empaka zino zaateereddwaamu ssente aba Uganda Christian University, kkampani ya Pepsi ne zitegekebwa Vision Group era nga zeetabiddwaamu kkwaaya mukaaga okwabadde ez'Abakristaayo ssatu nga ku zino kwe kwabadde eya Katwe Martyrs, Rwenzori Diocese Kampala ne St. Luke Seeta. Ate kkwaaya z'Abakatoliki essatu kwabaddeko; Our Lady Seat of Wisdom e Kasawo, St. Gyaviira Centenary Church okuva mu Ndeeba ne St. Jude okuva e Wakiso.

Empaka zaasaliddwa abakugu mu by'ennyimba okwabadde Joseph Batte, Lydia Namatovu ne Racheal Ayikoru. Bano bakira buli emaliriza okuyimba nga babaako engeri gye basiima obukugu bw'eyolesezza okuyimba awamu n'okukuba ebivuga era nga baabadde bababawabula mw'ebyo bye balina okutereezaamu.

Kkwaaya zaavuganyizza mu nnyimba ssatu ku mulamwa ogw'okukuza olunaku lw'Abajjulizi e Namugongo. Kwabaddeko oluyimba lwa Magnified olwabadde lubagatta bonna, oluyimba olw'ekitabo nga buli kkwaaya yeerondedde lwe yabadde eyagala awamu n'oluyimba oluyiiye olw'ekinnansi.

Kkwaaya ezaakutte ekisooka buli emu yaweereddwa engule n'ebbaasa ya kakadde kamu ate omuyimbisa n'aweebwa ekyambalo, eyakutte ekyokubiri yafunye emitwalo 80, ate eyakutte ekyokusatu n'efuna emitwalo 60.


Ku ludda lw'Abakatoliki, kkaaya ya Our Lady Seat of Wisdom ye yawangudde n'eddirirwa St. olwo St. Gyaviira yakutte kyakusatu.

Ate ku ludda lw'Abakristaayo, kkwaaya ya Katwe Martyrs ye yawangudde n'eddirirwa Rwenzori olwo St. Luke Seeta ye yakutte ekyokusatu.

Amyuka akulira Vision Group, Gervase Ndyanabo yasiimye omutindo ogwayosereddwa kkwaaya zino nga baggyeeyo omulamwa gw'Abajulizi engeri gye beewaayo n'okukkiriza nga kino kye kyazimba omusingi gw'eddiini n'okutuusa kati.

Yagambye nti olw'okubalukawo obulwadde bwa Ebola, baasazeewo okugenda mu maaso n'okukuza olunaku lw'Abajulizi nga bayita ku mitimbagano.

Omukolo gwetabiddwaako omukung'aanya ow'oku ntikko owa Vision Group, Barbara Kaija, omukung'aanya wa Bukedde, Michael Mukasa Ssebbowa n'abalala.



Aba kkwaya ya St. Jude Wakiso



Aba kkwaya ya Seat of Wisdom Kasawo eyakutte ekisooka ng'eyimba oluyimba oluyiiye.



Abasazi b'empaka abaakulembeddwa Joseph Batte (wakati) nga bawuliriza.



St. Gyaviira Centenary kkwaaya mu Ndeeba

## BALAZE ENGERI Y'OKUKUZA OLW'ABAJULIZI

Oluvannyuma lw'okubalukawo ekirwadde kya Ebola, ebikujjuko by'okulamaga byasazibwamu.

Ssaabalabirizi w'ekkanisa ya Uganda, Dr. Stephen Kazimba Mugalu yategeezezza nti Abakristaayo baakukuliza olunaku luno mu makanisa gaabwe mu bulabirizi obw'enjawulo, wabula nga tebalina kusukka bantu 300 era abalina okugoberera ebiragiro bya Gavumenti omuli okwewa amabanga, okukozesa sanitayiza, okunaaba mu ngalo ne ssabbuuni n'okubeera n'ebyuma ebikebera ebbugumu.

Ku kiggwa ky'Abajulizi Abakatuliki tewagenda kubeera kulamaga nga bwe guzze gubeera oluvannyuma lwa Pulezidenti Museveni okuyimirizza okulamaga kw'omwaka guno olw'okubalukawo kw'ekirwadde kya Ebola.

Olukiiko lw'Abepisikoopi lwalambika Abakristu ku ngeri y'okukuzaamu olunaku luno nga basinziira mu bigo n'ebisomesa wakati mu kugoberera ebiragiro bya minisitule y'ebyobulamu eby'okwetangira ekirwadde kino.

Abakristu okuva mu kigo ky'e Namugongo baakubeera n'emmisa nga bwe gugenda okubeera mu Eklezia endala zonna okukuza olunaku lw'Abajulizi.

Guno gwe mulundi ogwokusatu nga Gavumenti esazaamu okulamaga kw'Abajulizi ng'ogwasooka mu 2020 ne 2021, olw'ekirwadde kya Covid-19 ekyazingako ensi yonna.

Mu masaza gonna 19, Abakritu bagenda kwetaba mu mmisa nga bwe balambikibwa abasumba baabwe ne Babwanamukulu.